



## Ebikulu Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Eby'embala mu Busuubuzi Bwensi Yonna

Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebe w'Ekitongole kya ISAAA

### *Ebirime'byembala Bimaamidde Hekiteya Akawumbi Kamu*

Omwaaka gw'enkumi ebbiri mu kumi (2010) ebimera ebyembala lwebyaweza emyaaka kumi n'ettaano bukya bifuuka bya ttunzi. 1996-2010

Omugatte gw'ennimiro z'ebimera ebyembala gwasukka mu kawumbi ka hekiteya (ekyenkanankana n'obunene bwa USA oba China) wakati we myaaka gya 1996 ne 2010, ekyolekera ddala nga ebimera bino bwebijidde ddala.

Eyo likoda y'okulinya kwa hekitaya ze nimiro zino emirundi 87 miramba wakati wa 1996 ne 2010. Kino kyoleka nga ebirime 'byembala bwe bifuuse tekinologiya asinze okwettanirwa mu byafaayo bye nnima eyomulembe.

Okulinya kuno okwenkukunala okwalinya ebitundu kumi ku buli kikumi mu 2010 kwatuuka hekitaya obukadde 148- omuwendo guno ogwayongera hekiteya obukadde 14 gukwaata kyakubiri mu myaaka 15 .

Omuwendo gwensi ezirima ebimera ebyembala gwawera 29 okuva ku 25 mu 2009- ku mulundi guno ensi kumi ezaasinga okulima enyo, zaalima akakadde kalamba aka hekiteya. Abantu ababeera muni zino 29, bawera obuwumbi 4, byebitundu attaano mu mwenda kubulikikumi, abo basoba nemukimu ekyo kubiri eky'abantu bensi yona.

Ensi ssatu empya, Pakistan, Myanmar ne Sweden zateegeza nga bwezaatandika okulima ebimera ebyembala mu butongole mu 2010, ate Bugirimaani nayo neddamu okubirima nate.

Kunsi 29 ennimi ze bimera ebyembala mu 2010, 19 kw'ezo zikyaakula, ate 10 zezaakula edda; okwokwogatta 30 ezasuubula ebimera bino okuva ebweeru ate 59 neziwa olukusa okozessa ebimera bino mu kulima oba okubisuubuula okuva ebweeru.

Mu 2010, likoda yabalimi obukadde 15.4 bebaalima ebirime ebyembala- ekye kitalo kiri nti 90 ku buli kikumi- bwebukadde 14.4- baali balimi banfuna mpola mu nsi ezikyaakula-awo ngobalidde kumuwendu ogwa wansi olwokuba omuwendo gwenyini muzibu okupima kuba abantu abamu bakozessa ne birime ebirala ebyabulijjo.

Ekyettendo kiri nti okuva mu 1996, abalimi obukadde 100 muni yona - basaalawo kinoomu, okusiga n'okwongera okusiga ebimera ebyembala buli mwaaka.

Ensi ezikyaakula zaalima ebitundu 48 ku buli kikumi ekyebimera ebyembala muni yona mu 2010-awo bolekedde okusinga nensi ezaakula edda mu bungi bwa hekiteya ze nimiro ze bimera bino nga 2015 tegunaba.

Ensi ezikyaakulakulana ettaano ezikulembedde mukulima ebirime bino ze zino; China ne Buyindi mu Asia, Brazil ne Argentina mu Latin America, ne South Africa ku lukalu Iwa Africa.

Brazil, awali ekinyusi kyenkulakulana mu Latin America, yayongera ku nimiro zaayo eze bimera bino, era tewali nsi yagiwunyamu - yakola likoda y'omuwendo gwa bukadde buna obwa hekiteya.

### Ebikulu Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Ebyembala (ebya GM ) mu Busuubuzi Bwensi Yonna:2010

Mu Australia ,ebirime ebyembala byaddamu oluvanyuma lwekyeeya ekyabakosa emyaaka egyomudiringanwa egiyise. Era enkozesa yaabyo, elinye kinene gino emyaaka egiddiringanye ebitundu 184 ku buli kikumi- ze hekiteya nga 653,000.

Yo Burkina Faso, yakwaata kya kubiri mu kutumbula hekiteya z'ennimiro ze bimera ebyembala (ebitundu 126%), ng'abalimi 80,000 baasimba hekiteya 260,000, byebitundu 65 ku buli kikumi nga opima obujjumbize.

E Myanmar, abalimi banfuna mpola basobola okulima hekitaya 270,000 eza ppamba owe kika kya Bt, bye bitundu 75 ku buli kikumi nga opima obujjumbize bwenkozessa ya ppamba owembala muni eyo yona.

E Buyindi, gwe mwaaka ogwo mwenda nga obulimi buno bweyongera mu ngeri eyenjawulo. Abalimi obukadde 6.3 baalima hekiteya obukadde 9.4 obwa ppamba owe kika kya Bt . Bye bitundu 86 ku buli kikumi nga opima obujumbize bwenkozessa ye bimera bino.

Likoda ya mawanga munaana agomukago gwa Bulaaya , gaalima kasooli we kika kya Bt oba obumonde bwe kika kya amflora owa "staakyi" ebyaali byaakaweebwa olukussa Omukago guno-lwe lukusa olusoose okuweebwa mu myaaka 13 mu mawanga g'Omukaggo gwa Bulaaya okusimba ebimera bino, Abantu abassukka mu kitundu kiramba ekyobungi bwabantu bensi yona (byebitundu 59 ku buli kikumi oba obuwumbi 4) bannansi ba mawanga 29 amalimi ge bimera ebyembala. Gano gegaasimba hekiteya obukadde 148 obwe bimera ebyembala mu 2010.

Guno mulundi ogusooka ebimera ebyembala okumaamira ebitundu ebyenkukunala 10 ku buli kikumi ebye nimiro akawumbi 1.5 ezenzi yona.

Ekika kyembala engatte "stacked" kya muwendo gwa wagulu mu birime ebyembala- ensi 11 zaalima ebimera ebyembala ebyebika bibiri nokusingawo mu 2010 nga 8 ku ezo nsi ezikyakulakulana.

Wegatte kukukuuma obutonde n'embeera yensi nga:

- Oyongera ku birime n'omuwendo gwaabyo obuwumbi 65 obwa dollar;
- Otekawo obutonde obwanamaddala ngokendeeza ku nkozesa ye ddaggala erifuuyira ebiwuka ebitundu 39,000 ebya MT;
- Okendeeza omukka gwa Carbon Dioxide ogufuluma ebitundu 17.6 ebyobuwumbi bwa kilogram- ekigerageranyizibwa n'okujja emmottoka obukadde 8 ku nguudo;
- Otaasa ettaka ne bitonde ebiweza hekiteya ze ttaka obukadde 75;
- Ate nga bwokendeeza ku bwaavu nga oyamba abalimi banfuna mpola obukadde 14.4- bano bebamu kubantu abaavu lunkumpe munsu yonna.

Waliwo obwetaavu obwamaangu okussaawo, mu mawanga amato agakyaakula, enkola ensaamusaamu, ezirondoola ebigenda mu maaso nga zaabuvunanyizibwa, zabwegendereza nga tezitawaanya.

Akatale kensi yona ake nsigo zembala zokka kaabalibwaamu obuwumbi bwa dollar 11.2 mu 2010 nga kasooli owe ttunzi owembala ,soya biini ne ppamba biweza obuwumbi 150 buli mwaaka.

Ebiseera ebyo mumaaso bitangaavu emyaaka ettaano miramba egijja nge ebirubilibwa bye nkulakulana ebyekyaasa kye 2015 tebinatuuka, katugambe nti wajja kubaawo:

- Kassoli agumira ekyeeya mu 2010;
- Omuceere (ogwekika kya zaabu) mu 2013;
- Omuceere ogwe kika kya Bt gujja kuba weguli ngane biruubirirwa by'ekyaasa kye 2015- nga ekyokuliisa akawumbi akalamba ak'abantu abaavu mu maka agalima omuceere mu Asia mwokka-tebinatuukirira.

Ebimera ebyembala bisobola okuyamba kinene mu kutuukiriza ebigendererwa bye nkulakulana ye kyaasa kye nkumi 2015:

1. Nga bikendeeza ku bwaavu ekitundu kimu kyakubiri kiramba
2. Nga bitumbula okulima ebimera mu nkola etondedwaawo ensi yona okujjukira omuyima era omutandisi we kitongole kya ISAAA ate nga muwanguzi wo mudaali gwa Nobel, Norman Borlaug eyataasa akawumbi k'abantu enjala.

Ebisingawo bisange ku kiwandiiko namba 42 *Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2008*, (Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Eby'embala mu Busuubuzi Bwensi Yonna) ekyawandiikibwa Clive James.

Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa <http://www.isaaa.org> oba tuukirira ISAAA AfriCenter ku ssimu namba +254204223618, oba ku email [info@isaaa.org](mailto:info@isaaa.org).